# Uganda etwala 18 mu za chess

Bya JULIUS KAFULUMA

EKIBIINA ekiddukanya omuzannyo gwa chess mu ggwanga ekya 'Uganda Chess Federation' (UCF) kiggumizza ttiimu ya bamusaayimuto egenda okukiika mu mpaka za chess ez'okubeera e Zimbabwe. Kigasseeko abazannyi 2 okuweza omuwendo gw'e 18.

Daniel Odokonyero ne Apollo Muhumuza be bayongeddwa ku bazannyi 16 abaasooka okulangirirwa.

Odokonyero okutuuka okuyitibwa kyaddirira okuwangulira Uganda omudaali gwa feeza mu mpaka z'amasomero ez'abali wansi w'emyaka 14 mu kibuga Mombasa eky'e Kenya ku ntandikwa y'omwaka guno.

Muhumuza, baasinzidde ku mutindo gw'ataddewo liigi y'eggwanga emyezi egiyise mwe yalondebwa nga eyasinga mu bato. Yamalira mu kyakubiri mu mpaka za 'Zabasajja Memorial' ne 'Rwabushenyi Memorial'.

Omutendesi Patrick Mukasa y'agenda okubeera ku ttiimu eno nga yaweze nga nti waakudda n'obuwanguzi.




Odokonyero